## OKULABIKIRWA

# OMULWANYI
# Situka

Enfuufu yali enkuba mu kyenyi nga bwe tuvuga ku kkubo lye nnali mmanyidde nga tugenda eri ebyaalo bye twali twakolamu obuminsani emyaka egyayita mu Sonora. El Diamante, Caborca, San Felipe, El Ultimo Esfuerzo... olukalala lw’ebyaalo bye twali tukozeemu lwali luwanvu. Nalina essanyu lingi okubuuza ku bantu n’okuddamu okubatunulako mu byenyi. Kiki ekyali kiyinza okuba nga kikyuse?


Amakubo n’emiti byali bifaanana nga bwe byali edda. Kituufu abaana be nnali nasomesa mu Ssande Sikuuru baali balina okuba nga bakuzeemu naye nnalina essuubi okusisinkana abamu ku bbo era mmanye obulamu bwabwe bwe butambula.

Bwe twayingira ekkoona erisembayo tulyoke tutuuke mu El Coyote, nawulira ng’olubuto lwange lugoonze. Lwali lujjudde essanyu nga kw’ogasse n’okukankana. Nali mpaddeyo emyaka mingi egy’obulamu bwange eri abantu bano. Amaka getwasooka okulambula gaatwaniriza n’emizira nga kw’otadde okutugwa mu bifuba. Nabuuza ebifa ku bamu ku bayizi bange. “Ssenga” wange Sofia yalina ennaku mu kyenyi nga bw’agezaako obutambuulira mawulire mabi gonna mulundi gumu.

Ku nnyumba endala bonna baali basirise ng’omuwala eyali mu kibiina kyange bw’abuusa omwana gwe yali yazaala. Yali yadduka n’omulenzi atali Mukristaayo era baali babeera wamu n’omulenzi ono yadde baali si bafumbo. Yali yalekera awo n’okugenda mu kkanisa. Okusinziira ku bye nnali ntegedde okuva mu maka ag’enjawulo, olubuto lwange lwava mu kugonda ne lukaluba nga sseminti.

## Abaana be nnali nasomesa baali tebakyaali ku Mukama.
## Tekwali yadde omu.
## Kiki ekyali kyasoba?

Nsuubira omanyi nti ennaku zino tuli mu lutalo n’amaanyi g’ekizikiza. Yesu Kristu ye muduumizi waffe era alina eggye ly’abantu; libunye ensi yonna, lyogera buli lulimi oluli ku nsi.



Katonda alina amagye g'omu bbanga, ag'oku mazzi, ag'oku ttaka n'aga bakakkensa mu ntalo. Alina buli kimu amagye g'oku nsi kye geetaaga era ali wakati w'olutalo olunyiinyiitidde eri omulabe. Eky'enjawulo kiri nti ali mukulwanirira buli muntu omulamu ali ku nsi kuno. Katonda ayagala ggwe nange twenyigire mu lutalo luno okusinziira ku mirimu egituweereddwa era tulwane kufa na kuwona. Obulamu bw'abantu bungi OBWESIGAMYE ku ngeri gye tulwanamu.

Nze ndowooza nti olutalo olusinga obukambwe lwe lwo olw'omulembe oguggya; abaana baffe. Kya nnaku nti omulabe ali mu kuwangula. Nsobola ntya okwogera ekigambo ng'ekyo? Esonga eri nti nkoye okwebuzaabuza kuno. Tunuulira ebikwetoolodde. Tivi ziri mu kuwa abaana baffe obubaka bw'omulabe, emizannyo gy'oku kompyuuta, n'amawulire ge bafuna ku ssomero. Bafuna obubaka obubawabya obwongo okumala ebbanga eddene elisingira wala essaawa ebbiri ze bamala ku kkanisa ku Ssande. Ndaba mu makanisa mangi abaana nga basalawo obutagoberera Kristu. Baggya mu nkiiko z'abavubuka kuba zibanyumira naye ne balekera awo okuggya mu kkanisa bwe batuuka okwesalirawo.
Barna Group kitongole ekinene ekikola okunoonyereza okw'enjawulo ku mubiri gwa Kristu era baakizuula nti omwana w'awereza emyaka 12 aba amaze okusalawo kiki ky'akkiriza! Nsiima nnyo Barna Group okuba ng'ekoze okunoonyereza kuno naye nsobola okukikakasa ne mu bulamu obwa ddala. Kyangu nnyo okulaba nti omwana wo bw'otamuyigiriza kintu nga tannaweza myaka 12, kiba kizibu nnyo okukyusa endowooza ye.
Ggwe nange abali mu mubiri gwa Kristu, naddala ffe abakola mu busumba bw'abaana, okuva mu buli nzikiriza n'amawanga mu nsi yonna, TULINA okusituka tulwanirire abaana baffe.

## Tuli ku mwanjo gw'olutalo olw'amaanyi.
## Akaseera katuuse kino tukikkirize era tubeeko kye tukola.

Akaseera katuuse okutegeka Bageneraali b'eggye lya Katonda. Teweerabira Basagenti, Basagenti Meeja, Koporo ne bakakensa. Bakulutu bangi abataayaaya nga bagoberera ebiragiro okuva eri bakulutu bannaabwe.
Ndowooza nti Katonda kati anoonya Bageneraali ab'ennyota 5 abanaabeera mu magye ge era njagala kuba omu ku bbo.
Manyi nti kiwulikika ng'eky'obulalu n'okwewaana, naye lwaki nedda?
Katonda teyatugamba tulwanirire ebintu by'omu ggulu?

"Nga muweerezanga n'okwagala nga Mukama waffe so si bantu: nga mumanyi nti buli muntu ekirungi ky'akola, ky'aliweebwa nate eri Mukama waffe, oba muddu oba wa ddembe."
Abaefeeso 6:7-8
"Kubanga Omwana w'omuntu agenda kujjira mu kitiibwa kya Kitaawe ne bamalayika be; n'alyoka asasula buli muntu nga bwe yakola." Matayo 16:27
Amazima gali nti simanyi buwanvu ki bwe nnina kutambula okufuuka Generaali. Naye mmanyi nti waliwo ekisinga ku kino kyendi essawa eno, era nja kusigala nga nneekutte ku Katonda n'okuyiga nga kw'otadde n'okukula. Kituufu sisobola kubabuulira bye ssimanyi naye Katonda ansabye mpandiike biki bye mpiseemu n'ebyo bye njize.Obusumba bw'abaanaa si bwangu era si bw'abanafu. Obusumba bw'abaana bwetaaga BAGENERAALI ab'amaanyi era naawe osobola okufuuka omu ku bbo. Kankunnyonnyole bulungi obuzibu obuliwo.



Nakwata ekyennyanga ekinene mu ngalo zange era ne nneebaza omuwala omuto eyali akimpadde ng'ekirabo. Nali simanyi kiki kya kukolera kyennyanja kino, era ne ngezaako okulinnya emabega mu motoka nkisseeyo naye ne nsirittuka ne ngwa wansi. Nagwa mu musenyu kya bugazi ng'omukono okugutte ekyennyanja kino ekinene nguwanise mu bbanga!

Twali tugenze kukola mirimu ku kaalo akamu akaali okumpi n’amazzi. Nze ne muganda wange omukulu twali tukola bya busumba bw’abaana nga kitaffe bw’akola ku bantu abakulu. Twayimba ennyimba n’ekibinja ky’abaana 25, ne tugaba eby’emikono era ne tugezaako okubanyumiza olugero lwa Baibuli mu lulimi lwa Spanish olutono lwe twali tumanyi. Ku nkomerero omu ku bawala yampa ekyennyanja ng’ekirabo.
Ng’emyaka giyiseewo nnali nnyumiza Omusumba Gary Duckwort, omusumba w’abaana ku kkanisa yaffe, era n’anneewuunyisa n’engeri gye yannyanukula! Yambuuza nti, “Mulowooza mwali mulina enjawulo gye mwakola mu mulimu ogwo?” Namuddamu nti, “Yee, tulina enjawulo gye twakola!” Yasigala akaayana nange nga bw’agamba nti ekintu kye twali tukoze kwali kuwa baana abo eby’okukola olweggulo olwo. Yagamba nti, “Abantu abakulu beebaafunamu kuba mwali mubaggyeeko abaana ekyawa abazadde olukusa okuwulira enjiri!”



Nanyiiga era ne ng’aana okukkiriza ebigambo bye. Nali mu butuufu mmaze emyaka 10 nga nkola mu busumba bw’abaana! Nali mmanyi nti nina eky’ejawulo kye nkola mu bulamu bw’abaana! Ku lunaku olwo nnali sisobola kuwuliriza Gary kye yali agamba. Kya twala akaseera, naye lunaku lumu, nga wayise ebbanga, ebigambo bye byannyingira.
Nali nkyalidde atwala eby’obusumba bw’abaana mu kitundu ekimu mu nzikiriza ey’enjawulo mu Mexico. Yannyumiza ku biki ebyatuukawo bwe yali yeetisse obuvunaanyizibwa bw’obusumba bw’abaana okumala wikendi nnamba. Mu ssanyu eringi yannyumiza nga bwe yategeka omukolo mawuuno era buli kimu ne kitambula bulungi. Yali ategese okuyimba kw’abaana eri abantu nga kwe kugenda okuggalawo enteekateeka era wikendi yonna yagimala n’abaana nga beetegekera okuyimba.
Omukolo bwe gwaggwa, omu ku bakungu yajja n’amuyozaayoza olw’okutegeka omukolo omulungi. Yamugamba n’okumagamba nti ajja kumukuumira mu birowoozo bye singa wabaawo emirimu emirala egya waggulu mu nzikiriza yaabwe! Twali tukyayogera, ne nzijukira ebigambo by’Omusumba Gary bye yang’amba emyaka mingi emabega. Nali ntegedde. Mukwano gwange ono yali amaze wikendi yonna ng’asanyusa abantu abakulu! Abaana baali tebalina kye bayize okuggyako okuyimirira mu nkalala n’okuyimba obulungi. Bino ebintu by’ebimu bye baali bayiga mu masomero gaabwe!
Nali sirina maanyi gamugamba kiki Gary kye yali yang’amba.

# Nawulira ng’amaziga gatandise okunsiiwa. Gary yali mutuufu.

Obusumba bw’abaana obutuufu si kuzannyiikiriza baana okusobbozesa abantu abakulu okugenda ku kkanisa nga tebataataaganyiziddwa. Era si kuyimbira bantu bakulu kubasanyusa. Awo obusumba bw’abakulu buba bukozesa abaana nga ddole.
Bwe tuba tuli mu lutalo, okuyimba tekugenda kutuyamba. Abaana abo baali basobola okumala wikendi eyo nga bayiga omuntu bw’asaba! Oba baali basobola okubuulirwa ku bifa ku kkanisa n’Obukristaayo. Bandibadde bababuulirira.
Bwe tuba tuli mu lutalo, okusiiga empapula n’okukwata ennyanukula “y’ekkanisa” entuufu tebijja kuyamba.
Tuli mu lutalo era tetulina kukyerabira.

Waliwo eddaala lye tulinya nga tukula mu kukkiriza kwaffe n’okukola emirimu gy’obwakabaka bwa Katonda. Naye lino eddaala lyawukana ku liri abantu lye balinnya mu bulamu bwabwe obw’ekiristaayo obwa bulijjo. Katonda alina eddaala ery’enjawulo!
Eddala ly’okutandikira mu busumba bw’abaana, okukula okufuuka omusumba w’abavubuka, okufuuka addirira omusumba, ng’ekiddako kufuuka omusumba omukulu. Lino eddaala lya njawulo nnyo. Lino liringa eddaala ly’okumanyika mu nsi y’ekikristaayo. Nava ku kuwandiika empapula z’okusiiga ne ntandika okuwandiika VBS, ne mmaliriza nga mpandiika amasomo ga Ssande Sikuuru amajjuvu. Nava ku kufulumya ebikozesebwa by’amakanisa 30, kati ndi ku nkumi n’enkumi z’amakanisa. Eryo ly’eddaala ly’obumanyifu mu Bukristaayo.

Katonda atugamba nnyo mu byawandiikibwa nti atunuulira kiki ekiri MUNDA mu muntu, so si ku ngulu. Si kikulu oba nfulumizza ebitabo bimeka, ebbanga lye mmala nga sirina kiki ky’ayagala MUNDA, tasobola ku nkozesa mu lutalo nga bwe yeetaaga. Bwe mba wakufuba kufuuka Generaali mu magye ga Katonda, sisobola kumugula nga nkozesa bumanyifu bwange. Katonda amanyi kiki DDALA kye ndi munda.


## ERYO ly’eddala ly’olina okulinnya bw’oba oyagala ekifo mu magye ga Katonda.



Era ly’eddaala ery’okulinnya bw’oba oyagala okukola eky’enjawulo mu bulamu obutaggwaawo!
Eddaala lino lirina emitendera mingi nnyo nga bw’oyambuka. Emitendera gino GYONNA gikwata ku kiki ekiri mu mitima gyaffe n’engeri gye tukolaganamu ne Katonda. Tegikwata ku biki bye tukoze ensi by’eraba yadde mu kkanisa oba awalala. Tekikwata ku mulimu gwange, eby’obugagga, wa wembeera oba obusumba bwange obw’amaanyi.
“Kubanga Mukama talaba ng'abantu bwe balaba; kubanga abantu batunuulira okufaanana okw'okungulu, naye Mukama atunuulira mutima.” 1 Samwiri 16:7
Ennaku zino waliwo Abakristaayo bangi abli mu kulinnya eddaala effu nga bwe kyali ku mulembe gwa Yesu. Endagiriro ya Katonda eri nti… …“Mubaleke: be basaale abatalaba. Naye omuzibe w'amaaso bw'akulembera muzibe munne bombi baligwa mu bunnya” Matayo 15:14
Abantu baalina ennono zaabwe ez’eddiini omuli obutalya nga tonaabye mu ngalo naye mu mitima gyabwe mwali mujjudde okwonoona. Yesu yabagamba nti:
“Naye ebifuluma mu kamwa biva mu mutima; n'ebyo bye byonoona omuntu. Kubanga mu mutima mwe muva ebirowoozo ebibi, obussi, obwenzi, obukaba, obubbi, okuwaayiriza, okuvuma: ebyo bye byonoona omuntu: naye okulya nga tanaabye mu ngalo tekwonoona muntu.” Matayo 15:18-20

Kino kikwata ne ku mateeka gaffe aga leero nga bwe kyali kikwata ku mateeka ku mulembe gwa Yesu. Leero mu kkanisa tetulina tteeka lya ddini likwata ku kulya nga tonaabye mu ngalo. Tukimanyi nti teeka ddungi erikwata ku by’obulamu naye terikyali tteeka lya kkanisa. Naye tulina amateeka MANGI mu makanisa gaffe. Amateeka gano gonna tegayinza kugerageranyizibwa ku kiki EKIFULUMA mu mitima gyaffe.
Katonda afaayo nnyo ku ddaala lino eryomunda lye njogerako era Baibuli YONNA ejjudde ennyiriri ezikakasa kino.

“Naye omuntu yenna bw'azimbanga ku musingi ogwa zaabu, ffeeza, amayinja ag'omuwendo omungi, emiti, essubi, ebisasiro; omulimu ogwa buli muntu gulirabisibwa: kubanga olunaku luli luligwolesa, kubanga gulibikkulirwa mu muliro; n'omuliro gwennyini gulikema omulimu ogwa buli muntu bwe gufaanana. Omulimu ogwa buli muntu gwe yazimbako bwe gulibeerawo, aliweebwa empeera. Omulimu ogwa buli muntu bwe gulyokebwa, alifiirwa; naye ye yennyini alirokoka; naye bw'ati, kuyita mu muliro.” 1 Abakkolinso 3:12-15



Lino ly’eddaala lye tulina okuyigiriza abaana baffe okulinnya. Teriringa eby’obufuzi ebitera okuyingira mu makanisa gaffe. Teriringa okulinnya okuva ku musumba w’abaana, okudda ku mirimu gy’abavubuka era okufuuka omusumba omukulu. Naye waliwo omuziziko. Ekitali ku ddaala ly’ensi erya bulijjo, n’eryo ery’ekkanisa, kiri nti tosobola kubuuka mutendera ku ddaala lya Katonda eryomunda. Tewali luggi lwa kyama lukubuusa kuva ku mutendera 1 okugenda ku mutendera 8. Tewali ngeri nnyangu ya kugaggawala ekola ku ddaala lya Katonda. Nga Gordon Gekko mu firimu za Wall Street eyakozesa obubba okulinnya eddala ly’ensi amangu. Buli lw’ogezaako okubuuka omutendera mu nsonga z’omwoyo, omaliriza okwatiddwa era ng’ekyenyi okinnyise mu bisooto. Okulinnya kuno kwa mpola mpola era kujja kutwala emyaka. Eno y’ensonga lwaki kikulu nnyo abaana okubatandisa nga bakyali bato! Kikulu nnyo omupiira okutandika okugutambuza ng’obudde bukyali. Era ku ddaala ettuufu.
Kale, wano kankuwe ku mazima ameeyolefu:


## Kumpi buli muntu ali mu kulinnya eddaala eritali ttuufu.

Bali mu kulinnya eddaala ly'ensi ery'ensimbi, obumanyifu n'eby'obugagga; oba eddaala ly'ekikristaayo ery'ensimbi, obumanyifu n'eby'obugagga. Njagala okubikkula amaaso go eri eddaala lya Katonda ery'ensimbi, obumanyifu n'eby'obugagga! (Njogera ku bulamu obutaggwaawo; ensasula etali ya leero.) Eddaala lya Katonda likwata ku nneeyisa ennungi, okugondera Katonda, okukkiriza, obwesimbu n'okuyiga okumuweereza mu bujjuvu. Likwata ku kuwangaalira ku kibala ky'Omwoyo. Ku ddaala lya Katonda kw'omukwasiza ebisumuluzo by'obulamu bwo era n'otaddamu kubimusaba. Kino kitegeeza nti Katonda y'aba asalawo BULI kimu mu bulamu bwo.



Nkubuulira mazima, obulamu bw'ekikristaayo tebulina kwawukana ku nkola eno.
Naye, Abakristaayo bangi abatwetoolodde kino baakyawukakanako dda.
Ndaba Abakristaayo bangi okwetooloola ensi nga bawanagaalira ku ddaala ly'ensi oba nga balinnya eddaala ly'ekkanisa naye nga munda basigadde nga tebakula. Sikitegeera. Ddala balowooza nti Katonda basobola okumweggyamu?

Ekituufu kiri nti twetaaga abantu ku buli mutendera gw'eddaala. Engeri ennyangu okukola kino kwe kutandika okulinnya ffenna wamu.
1. Ggwe nange twetaaga okuba nga tulinnya buli kaseera. Beera eky'okulabirako eri abaana abali mu busumba bwo. Ebikolwa byo byogera kinene okusinga ebigambo byo.
2. Beera w'amazima eri abayizi bo. Balage amadaala gombi era obayambe okumanya liriwa ettuufu okulinnya.
3. Yigiriza abaana abali mu busumba bwo engeri y'okulinnya. Ebiseera ebisinga tebajja kino kukyezuulira. GGWE ng'omusome waabwe kakasa nti tebali mu kukwata bukwasi bintu mu bwongo, wabula bali mu kubiwangaalirako.
Ggwe nange katukolere wamu okussa abaana ku ddaala ETTUUFU okutandikira ddala nga bakyali bato tusobole okuba n'abajaasi abatendeke Katonda b'anaakozesa ng'abeetaaze!
Kikulu nnyo okulinnya eddaala, naye tulina okusooka okukakasa nti tuli ku ddaala ttuufu! Awo tujja kusobola okukula okuva ku Bakulutu okufuuka Basagenti ne Bageneraali. Tusobola okukozesebwa Katonda okukola eky'enjawulo mu bulamu bw'abaana okwetooloola ensi yonna.



## Bwe tuba tuli mu lutalo, okusiiga empapula n'okukwata ennyanukula "y'ekkanisa" entuufu tebijja kuyamba.

Tuli mu lutalo era tetulina kukyerabira.
Bwe tuba tuli mu lutalo, tekijja kuyamba okwefuula nti tugondera Katonda ebbanga lye tumala nga tukyafa ku by'obufuzi ebiri mu makanisa gaffe.

## Twetaaga Bageneraali abaddala mu magye gano.

Twetaaga abakazi n'abasajja ba Katondo abeetegefu okukola n'amaanyi okutendeka omulembe gw'abakkiriza oguddako. Nze nnwana kufuukaGenerali mu magye ga Katonda. Wandiyagadde okunneegattako?



Vision Rise up
Warrior Luganda

20132

www.ChildrenAreImportant.com
info@childrenareimportant.com
We are located in Mexico.
DK Editorial Pro-Visión A.C.

Abaana Kikulu